# *JANGU, ONGOBERERE*

Naye, nedda, ekyo kyaliwo nga Becky tannazaalibwa. Kale muli nna—nnalowoozaamu nti, "Naye, omanyi. . ." Nna—nnali nnaakamala okunywa akabakuli k'obuugi bwa ssayiri, kaali ka nnusu kkumi. Kale, nna. . .Bampa akatikiti kange, ne mmala gakassaako omukono, olaba, ne nkasasulira, ne nkabaddiza, ne nkazzaayo, kubanga nnalina akawunta y'ebyo bye nkozesa.

2 Kati lumu bwe twalina o—olukuŋŋaana lw'abakuumi abalawuna. "Abaffe," ne babuuza nti, "muntu nnabaki ono eyawaayo ekintu bwe kityo?" Mukiraba? O—omusajja eyali atukulira nga y'abuuza, nga bwe mumanyi nti, "N'awaayo ennusu kkumi nga ze ez'ekyenkya?" Kati ezo zaali ntono nnyo ku bali abalala, mukitegeera. Abamu ku bo baawaayo ddoola nnamba, olaba; abamu ddoola bbiri nga z'ez'ekyeggulo. Naye nze nnawaayo ezo zennyini nga bwe zaali.

3 Kati, ne ŋŋamba nti, "Naye, kati, tewali nsonga empeesaayo. . .Olwo nnandikoze ki ndaba nnalidde, nnusu kkumi zokka?"

4 Mw. Fields, eyali amyuka nnampala, kwe kuŋŋamba nti, "Billy, kale, mmala gawaayo ddoola emu, waakiri." N'agamba nti, "N'abalala nabo kye bakoze." N'agamba nti, "Olina okuwaayo ezenkana n'ez'abalala."

5 "Naye," ne ŋŋamba nti, "nze—nze nnalidde kabakuli ka buugi bwa sayiri kokka, era ke nsasulira."

N'aŋŋamba nti, "Nedda, nedda, ekyo tokikolanga."

6 Naye, kati muli ne nneebuuzaamu nti, "Ŋŋenda kuzikozesa ki?" Ne mmala gawaayo ennusu ataano okusasulira eky'enkya. Ne nzigyako ennusu ana, nga bwe nnaabaako ekintu kyonna eky'okusasulira, oba okuba n'ez'okuwa abaana ababeera ku nguudo; abaana abamu, omanyi, abaali balabika nga abeetaaga okufunayo ka sandiwiici, bambi. Naye, muli ne ndowoozaamu nti nnandiba nga. . .Eky'amazima, eyo ebadde kampuni, yennyini, nga y'eyogera nange bw'etyo. Oyo omusajja akiiikirira kkampuni.

Kati, muli ne ndowooza nti, "Oba oli awo nni—nnina kye nnakoze ekitali kituufu."

7 Kati jjuuzi wano ebbanga si ddene, nnali n'omu ku basajja abalawuna. . .Ennaku zino balawuna bakozesa nnyonyi ekika kya nnamunkanga, olaba. Kale yajja bulungi n'ayimirira awo. N'aŋŋamba nti, "Owaaye, Ow'oluganda Branham," n'agamba nti, "omuti guno nno gukuze."

Ne mmugamba nti, “Weewaawo gukuze.” Ne ŋŋamba nti, “Wansi w’omuti ogwo abaana bazannyirawo.”

N’ambuuza nti, “Tusobola okugukomolako amasanso?”

Ne mmugamba nti, “Musobola, naye temugutemawo. Okiraba?”

N’aŋŋamba nti, “Naye, ffe tubadde twagala kugutemawo. Tujjja kukusasula.”

8 Ne mmugamba nti, “Nedda. Nedda. Ssaagala kugutemawo.” Kubanga, n’amateeka g’obwannannyini, nago ngategeera bulungi, omanyi, kubanga ettaka eryo nnali ndimazeeko emyaka musanvu. Kale nnamugamba nti, “Nedda.” Ne mmugamba nti, “Ssaagala mugutemewo, naye musobola okugukomolako.” Ne mmugamba nti, “Nte—ntera okugukomola, naye,” ne ŋŋamba nti, “nammwe musobola okugukomola. Musobola okugukomola bwe muba mwagadde.” Ne mmugamba nti, “Nze, Ow’oluganda Wood nange, tubadde tutegeka kugukomola. Ne gino gyonna ffe tugikomola.” Ne ŋŋamba nti, “Naye ogwo twayagala tugulekerewo abato bano, Joe ne banne, omanyi, abazannyira wansi w’omuti ogwo.”

9 Ne mbaako olugendo gye nnalaga. Nnagenda okudda, nnasanga baagutema nga baguggyawo. Ha, ogwo nga gwandibadde musango gwa maanyi ddala ku kkampuni eyo, olw’okutemawo omuti ogwo, olaba. Naye muli nnalowooza nti, “Kaakati,” ne ŋŋamba nti, “Mukama, ekyo sigenda kukinyegako yadde.” Olaba? “Ka wabeere nga waliwo ekintu kyonna kye—kye, ekyekuusa ku kiri, eky’oluusi okuwaayo, okulya eby’okulya bya nnusu emu, ate n’oba nga olina kuwaayo ‘nnusu ttaano.’” Okiraba? Ne ŋŋamba nti, “Bwe wabaawo ekintu ekyekuusa ku kiri, leka kino kikole mu kifo kya kiri, olaba, kiri—kiri eky’okuba nti—kiri eky’okuba nti nnawaayo ezo zokka, olaba. Okuba nti . . .” Era okuva ku olwo eby’okukola mu Public Service Company ne mbyesonyiwa, olaba, kubanga ekyakolebwa kiteekwa okuba nga kyali kyekuusa ku kintu kiri.

Tulina okwegendereza bye tukola. Lumu tulibisisinkana.

10 Abaana, nze okujja eno. Nnyammwe yankyalira, luli, Trudy. Ndowooza, ndowooza mubadde temukimanyi. Kino nkiraba, kibeewuunyisizza. Kati mwetegekera kutikkirwa. Era twazze ffenna mu lugendo. Kati nja kubaako olukuŋŋaana lwe ŋŋendamu, amangu ddala nga tumalirizza olukuŋŋaana luno. Oluvannyuma tulyoke tugende eka.

11 Nnalowoozezza nga gujja kuba mukisa gwa maanyi okwogerako gye muli mwenna, era ne ndowooza nti kinaaba kirungi okwogerako katono eri abato nga temunnatikkirwa. Nsomeyokkko olunyiriri okuva mu Bayibuli, mbeeko ne bye njogera ebitonotono okuviira ddala mu mutima gwange, okumala eddakiika nga kkumi. Mbaleke mugende. Mukiraba?

12 Nga ssinnayogera eri baana, njagala nsooke njogereko, n'eri abakulu mwenna, okumala akaseera katono. Kati, mpozzi, oba oli awo luno lubadde, lugendo olukooya. Naye obumanyirivu bwe njize okuva eri Katonda, ka zibeere ddoola mutwalo ssiyinza kuziwaanyisaamu n'ekyo kye njize okuva eri Mukama kasookedde nzija wano. Nzikiririza ddala nti ntuuse mu buwulize obujjuvu eri ekiragiro ky'oyo Ayinza byonna, era nsu—nsuubira ssinga nsobola okusigala bwentyo. Waliwo ne . . .

13 Bwe nnajja, okusooka, waaliwo okwolesebwa, mwe nnali nga nnyimiridde waggulu wa Tucson engulu eno we waabeererawo o—o—okubwatuka. Kati, Ow'oluganda Fred yaliwo okubwatuka okwo we kwabeererawo. Baakikuba n'ekifaananyi, nga bwe mumanyi, bwe kyabwatuka ne kitumbiira mu bbanga. Naye ssaakissaako nnyo mwoyo, ssaakyetegereza. Kale waliwo engeri gye kyatandika okunsikirizaamu, luli. Yali Ow'oluganda Norman, kitaawe wa Norma ali wano, ye yampita, n'ambuuza nti, "Kino wakiraba?"

14 Ŋŋenda okwetegereza nti, nga ndaba Bamalayika bali nga Balabikira ddala bulungi, mu kifaananyi ekyo. Mukiraba? Ne nkebera okulaba ddi lwe kyakubibwa, nga kye kiseera, kye kimu, olunaku nga lumu oba bbiri, manyanga olunaku nga lumu oba bbiri nga nvuddeyo. Ne nkebera gye kyali. "Bukiikakkono bwa buvanjuba bwa Flagstaff, manyanga Prescott, ekisangibwa eky'emmanga wa Flagstaff." Nga ate, twali eyo, olaba, eyo yennyini.

15 "Mayiro abiri mu mukaaga mu bbanga." Eky'amazima, omukka tegusobola kusukka—kusukka nnya, mayiro nnya waggulu, oba ttaano, ka gabe amazzi, oba olufu olw'engeri yonna, olaba. Ennyonyi zitumbiira ffuuti omutwalo gumu mu kenda waggulu. Okusobola okusukka ebire byonna, mulaba. Nga ate fuuti omutwalo gumu mu kenda ze mayiro nnya waggulu mu bbanga. Kino kyali mu mayiro abiri mu mukaaga waggulu mu bbanga, nga kiriko mayiro asatu obugazi, nga ate kiri mu nkula ya piramiidi, ekifaananyi ekyo bwe muba mwali mukirabyeko.

16 Era ku ludda olwa ddyo, nga bwe nnabagamba, nnalaba, Malayika oyo, eyali ow'enjawulo ku balala. Nga Ali awo, nga asowoddeyo ekifuba kye, nga ebiwaawaatiro abizzizza emabega, nga ajja, mu ngeri yennyini nga bwe kyali. Ssaakiraba lwe Baasooka . . . Waaliwo ebintu bingi.

17 Luli bwe nnali nzija, waliwo ekintu ekyabaawo ekyayogera gyendi ku bikwata ku kintu kye—kye nteekwa okukola. Ate kyali te—tekikwata ku bubaka bwange.

18 Lumu, Leo Mercier yagamba, yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, ekiseera kijja kutuuka oluvannyuma lwa kino," yakyogera, emyaka nga etaano oba mukaaga egiyise, oba oli awo musanvu, n'agamba nti, "Mukama agenda kukyusa obuweereza bwo, Ow'oluganda Branham." N'agamba nti, "Bw'Alikikola,

ob'olyawo amalwaliro oligasimba busimbi mu nnyiriri, n'olagira abalwadde ne—ne bava ku bitanda n'ebirala bwe bityo." Kyali tekikola makulu, newankubadde nzikiriza nti Ow'oluganda Leo yali agezaako okuba omwesimbu mu kyo.

19 Naye kyali tekikola makulu, kubanga, olaba, Mukama waffe Yesu ekyo teyakikolako. Okiraba? Nga ate mu malwaliro Yagendayo. Waliwo omu eyali mu ddwaliro eryo. Mujjukira ekyo we kyabeererawo mu Bayibuli? Ku kidiba ekiyitibwa Besesuda. Waaliwo enkuyanja y'abantu abaali bateesobola abaali bagalamidde awo, abaagongobala, abalema, abazibe b'amaaso, abaakoozimba, abaali balinze Malayika. Kati, ekyo kyaliwo mu ddwaliro ery'omwoyo nga abantu balinze okuwonyezebwa Katonda. Kyokka Omuwonya Yennyini Mwene n'ajja naye n'awonyaawo omu yekka ne yeeyongerayo. N'olw'ekyo toyinza kusuubira muntu buntu, oba obuweereza okusituka, ne buba bwa maanyi okusinga ku kiri bwe kyali. Mukiraba? Ssakkiriziganya nakyo.

20 Naye mba nkyuka nti, Omwoyo Omutukuvu n'anzikako. Ne nsaba Leo ekkalaamu ya bwino. Ne nfuna olupapula ne nkiwandiika. Luli mu kyana kya mmotoka ye, ssinga obanga okituuseeko. Ekyana ky'emmotoka ekyo ekyakolebwa mu aluminiyamu mwe nnateekanga engoye ze nnayambalanga nga tutikka ebintu. Oluyingira bw'oti mu mulyango, waliwo ka kabada ku mukono ogwa ddyo, awo wennyini awatuukirwa mu kyana ky'emmotoka ekyo. Luli omwo. Mwe nnaluteeka. Nnamugamba nti, "Lumu oliruggyayo. 'Katonda talikyusa buweereza, wabula Alikyusa muntu oyo alina obuweereza.'" Ekyo kye kirikolebwa.

21 Mulaba, kye nnina okukola nki—nkimanyi, naye ssi—ssi—ssisobola, ssisobola kukikola mu mbeera gye ndimu kati. Kubanga, nnina oku. . . Waliwo ekirina okubaawo munda mu nze, ekinaaleetera Katonda okukikola.

22 Tuluubirira okuddayo eka. Abaana bonna bayaayaanira kudda waka, bonna baagala kuddayo. N'olw'ekyo nteekateeka okubazzaayo, Mukama nga ayagadde, oba oli awo oluvannyuma lw'olukuŋŋaana ku Lwomukaaga, tubeere nga tuddayo. Okuva awo, ssimanyi. Naye mmanyi ekintu ekyo kasita kibaawo munda yange, okundeetera okuwulira mu ngeri ey'enjawulo eri abantu, okwawukanako ne bwe mpulira kati. Nnali nneesamba a—abantu, olaba, nga ssi—ssikyabeetaagirako ddala. Mutegeera kye ntegeeza, kye mpita "ricky, ricketta," balina ebintu bye baali bakoze. Nnabuulira n'obwesimbu bwonna, ne Katonda n'akikakasa mu buli ngeri yonna. "Naye kati Ekyo bwe baba tebaagala kukikkiriza, baleke, beesonyiwe."

23 Mbadde ŋŋenda ngulu eri, kwegatta ku Bud mu kiseera ky'enkuba kino ekijja, ngira mbeera engulu eyo. Nnindirire eyo ku ttale, enviiri zange n'ebirevu byonna mbireke bikule nga bwe

byagala. Nga Mukama bw'abaako ne gy'ayagala ŋŋende, nga Ampeereza obubaka, ne ŋŋendayo ne nkikola.

24 Naye bwe nnali mu lugendo, nga nzija wano luli, Yannyimiriza. Ne ndaba wa we. . . kye nnali ŋŋenda okusisinkana. Nni—nnina ekintu ekirala kye njolekedde kati. Era nnalowooza muli, nti bwe nnaddayo eka, nja kukola kye tuyita okwogera okw'okweyabya ebikuli ku mutima, oba oli awo mbikwate ku lutambi, kati olwo era abantu basobole okulaba lwaki wabaddewo enkyukakyuka eyo ey'embagirawo.

25 Kati, mmwe abaana, leka tu. . . Leka tusabe.

26 Mukama waffe Yesu, tukusiima olw'ekiseera kino, okumanya nti tukuŋŋaanidde wano, abato n'abakulu, wamu n'abavubuka. Nga tukuŋŋaanye wamu, ku ludda luno olw'Obutaggwaawo, nate okwogera ku Ggwe n'okwogera ku bintu ebikwata ku Bulamu obutaggwaawo.

27 N'abato bano abali munda wano akawungeezi kano, abamu ku bo bagenda kutikkirwa, n'abalala baamaze okutikkirwa. Naye nzijukira, ayi Mukama, ekintu ekyabaawo nga wakyabulayo essaawa ntono ddala ekyekango kiri okubaawo, manya okubwatuka kuli okw'amaanyi, bwe kwamala okubaawo waggulu eri mu lusozi, mu bukiikakkono bwa Tucson, Bamalayika ba Mukama bwe bakka wansi. Nzijukira ebyayogerwa, na—naddala ku bavubuka. Nkusaba, ayi Mukama, otuyambe okutegeera. Era nnyamba nsobole okubaako ne kye njogera eri abato bano, akawungeezi kano, ekinaabayamba mu lugendo lwabwe. Kubanga, Mukama, ffenna twetaaga obuyambi obwo mu kaseera kano.

28 Tuwe omukisa ffenna wamu. Tusonyiwe ebyonoono byaffe. Era bwe tubaako ekintu kyonna kye tukoze kasookedde tujja wano, ekitakusanyusizza, tukusaba Okitusonyiwe. Kubanga tukiraba, leero, nti tetulina bukakafu bwonna—bwonna bwa lunaku lwa nkya. Tetumanyi biri mu lunaku lwa nkya. Tulina kweteekateeka leero okweŋŋanga olw'enkya. Era, ayi Kitaffe Katonda, kino waliwo engeri emu yokka gye tumanyi ey'okukikolamu, nga eyo, kwe kweteekateeka okukulaba Ggwe, kubanga nga ebiseera bwe biyitawo tukiraba nti ffenna tujja kukikola. Era lumu tulikikola, mu mirembe, nga mukwano gwo oba omwana wo, oba omulabe wo. Kikafuuwe, ayi Mukama, ffe okubeera ekirala kyonna ekitali kubeera baana Bo Bennyini abaagalwa. Ebintu bino tusaba obitukolere, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

29 Leero, bwe nnabadde nsaawa omuddo, ku makya ddala ku maliiri, nnazudde awantu mu Bayibuli, we nnalowoozezza nti wajja kuba walungi okusoma mu kiseera kino. Era wa. . . wayinza obutatuukanira ddala na kino, naye nnalowoozezza nga wanaakola oku. . . okumala—okumala eddakiika entonotono, okwogerako. Kino njagala nkisome okuva mu ssuula ey'e

18 ey'enjiri y'Omutukuvu Lukka. Abawandiisi b'Enjiri bonna abana baakiwandiikako. Essuula ey'e 18 n'olunyiriri olw'e 18.

> *N'omuntu omukulu omu n'amubuuza ng'agamba nti, Omuyigiriza Omulungi, nkole ki okusikira obulamu obutaggwaawo?*
>
> *Yesu n'amugamba nti Ompitira ki omulungi? tewali mulungi wabula omu, ye Katonda.*
>
> *Amateeka ogamanyi nti Toyendanga, Tottanga, Tobbanga, Towaayirizanga, Ossangamu ekitiibwa kitaawo ne . . . nnyoko.*
>
> *N'a . . . agamba nti Ebyo byonna* mbikoze, era nnabikwata byonna *okuva mu buto bwange.*
>
> *Yesu bwe yawulira n'amugamba nti Okyaweebuuseeko kimu: tunda byonna . . . by'oli nabyo byonna, obigabire abaavu, . . . oliba n'obugagga mu ggulu: . . . ojje ongoberere.*

30 Ndowooza, ekigambo ekyo, *Jangu, Ongoberere,* ge magezi agasingayo obulungi ge nnyinza okuwa ssinga mbadde njogera eri abaana omutwalo gumu, oba ssinga mbadde njogera eri nze kennyini. Kiragiro, era kye kintu ekisingayo obukulu kye ndowooza ekyali kiweereddwa omuntu yenna, naddala omuto nti, "Ngoberera."

31 Ogenda kubaako n'omuntu gw'ogoberera. Kati, ekyo ki . . . Ekyo okijjukiranga. Ogenda kubaako n'omuntu gw'ogoberera. Era engeri gy'ogobereramu omuntu oyo, kakasa nti, kakasa ani omuntu ono gw'agoberera. Okiraba? Tu . . .

32 Pawulo lumu yagamba nti, "Mungobererenga nze nga nange bwe ngoberera Kristo." Amakulu nti, "Nga bwe ngoberera Kristo, nammwe mungoberere."

33 Era kati, mu kaseera kano akakulu ak'enkyukakyuka, ku—ku mutendera guno ogw'obulamu ffenna gwe tutuukako. Era emirundi mingi mumpuliddenga nga nvumirira bu "ricky, ricketta," n'ebirala bwe bityo. Naye, gwe mulembe. Gwe mulembe gwe tulimu. Bambi tebabeera bantu abo.

34 Abantu abo bantu nga ffe. Abaana abo abali ebweru eyo abavuga emmotoka zino ennongooseemu, abeetalira ku nguudo nga bava muno badda muli, n'okwejeeguula kwonna kwe beejeeguula, nga banywa ssigala n'okunywa ebitamiiza, nga abawala bambadde mu ngeri ey'obugwenyufu, n'ebintu ebyo ebirala, abawala abo n'abalenzi abo balinga ffe. Okiraba? Bantu. Baagala. Balya. Banywa. Beebaka. Bassa omukka. Bajja kufa. Bantu nga ffe. Naye eky'omutawaana ba . . .

35 Baliko omwoyo omukyamu. Naye tebakimanyi. Tekiva ku—ku bantu nga bo, naye, oluusi, kiva ku mukulembeze omu gwe babeera baagoberera nga y'ey'abaluŋŋamya okubatwala mu kkubo ekkyamu.

36 Kati, mmwe bawala mmwe ne balenzi mmwe eky'okukola mukimanyi bulungi. Mumanyi. Ebyo muyigiriziddwa obutabikola. Mulina abazadde abasinga ku ba bali, ababakuzizza mu ngeri ennungi obutakola bintu nga ebyo. Ekituufu eky'okukola mukimanyi.

37 Naye bo tebakimanyi, olaba, kubanga ekkanisa ze basabiramu kkanisa ezitambula n'omulembe. Kale be—beesanga nga buli olukya, banoonya kweyongera kuba ba tuttumu. Era, bannange, kitalo! Kiki. . .Enneeyisa ze balaba ne ziba nga bwe bulongoofu gye bali. Okiraba? Ne bamaliriza nga, ba. . .Nga bwe nnayogera lumu, ku muzannyo gwe nnalaba emmanga wano, ebbanga si ddene eriyise, ogwali gukwata ku Sodoma ne Gomola, omukazi ono eyaliko emizimu bwe ya—yagamba Lutti nti, "Ggwe ky'oyita obugwenyufu, ate nze kye mpita empisa ennungi."

38 Yesu yagamba nti, "Nga bwe kyali mu biro bya Nuuwa, bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu." N'olw'ekyo tuzzeeyo mu mbeera eyo nate.

39 Leka tulabe ku musajja ono, okumala eddakiika entonotono, gwe tusomyeko. Awatali kubuusabuusa omwana ono ateekwa okuba yazaalibwa mu maka amalungi, nga nammwe baana mmwe ge mwazaalibwamu. Yakuzibwa abazadde abalungi. Kubanga, kyakakasibwa, Yesu bwe yamugamba okugondera amateeka ga Katonda. Yagamba nti, "Ago nnagakwata okuviira ddala mu buto bwange." Ekyo kyalaga nti ya—yali—yali yakuzibwa bulungi. Teyali muvubuka kyewaggula. Wabula omanyi, ya—yali yakuzibwa ayigiriziddwa okumanya ekituufu eky'okukola, nga nammwe baana mmwe bwe muli. Ob'olyawo yakuzibwa maama ne taata abatya Katonda, a—a—abaamuyigiriza ekituufu eky'okukola, nga akyali mwana muto. Kati, ekyo kirungi.

40 Oba oli awo, bwe yali akyali muwere, nnyina yalina ebiruubirirwa eby'amaanyi nga ayagala afuuke omusajja ow'amaanyi. Nga ne kitaawe yalina ssente ezimala, okusobola okumuweerera n'asoma n'o—n'okumuwa okutendekebwa okwandimusobozesezza. . .okufuna obuyigirize obulungi n'asobola okubaako ekintu eky'amaanyi ky'afuuka mu nsi. Era awamu n'obwesimbu bwa maama ono ne taata, mu kusomesa omwana ono, oba oli awo baatuuka akaseera ne bajja ku matikkira ge nga nammwe bwe muzze, mukiraba, akaseera we yamalirako essomero nga amalirizza emisomo gye. Ateekwa okuba nga bambi ye yali e—essanyu lya maama oyo ne taata era nga obulamu bwabwe bwonna gwe beenyumiririzaamu. Ateekwa okuba nga, mu biro ebyo, yalina embalaasi ennungi ddala ezinyirira, nga bwe mulina emmotoka, nga alina taata ne maama abalungi okuzaama nga mwenna be mulina, abakakasa nti, mufuna engoye ennungi, ne—n'emmotoka, nga asobola. . .

nga asobolera ddala okunyumirwa obulamu, nga nammwe bwe muli kati.

41 Era nga kitaawe ne nnyina wamu ne…nga basaba buli lukya o—omwana waabwe aleme kubeera bubeezi muntu wa bulijjo, wabula aveemu omuntu ow'amaanyi ow'enjawulo. Ekyo abazadde bonna bakyagala. Muwulidde Yesu bw'ajuliza etteeka eryo erigamba nti, "Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa," bw'amaze n'akoma awo? Mukiraba? Era ekyo kye kiruubirirwa kya buli muzadde, okukolera abaana be ekyo ekisingirayo ddala, ky'asobola okukola, abasomese, abawe ebintu oba oli awo ye by'ataasobola kufuna. Nange bwentyo bwe mpulira eri abaana bange.

42 Oluusi, ŋŋenda ne ndowooza, ku ky'okubatwala ku ssomero, kati; ndowoozaamu, okusindika Becky ne Sarah ne Joseph mu masomero gano aga siniya n'amalala, omufumbekedde ebintu bino byonna ebigenda mu maaso? Muli ne ŋŋamba nja kubajjayo mbatwale eri mu nsozi, ba—bakulire eyo ne…babeere nga Abayindi ba nnansangwa bwe babeera.

43 Naye ekituufu kiikino. Kyonna ekiri mu mwana kijja kuvaayo kirabisibwe. K'abeere wa wonna, kiteekwa, kijja kuvaayo kirabisibwe. Mu ye bwe muba mulimu bwonoonefu, bujja kulabisibwa mu lusiisira lw'Abayindi bannansangwa. Bw'aba alimu bulongoofu, nabwo bujja kulabisibwa wonna w'anaabera. Mukiraba? Ekikulu ky'ekyo ekiri mu mwana, obutonde bw'omwana, ekiri munda mu ggwe. Era ky'oli kati wandiba nga ky'ogenda okuba obulamu bwonna. Oli mu kaseera ak'enkyukakyuka.

44 Mubadde mukimanyi? Ebitundu kinaana mu mukaaga ku buli kikumi eby'abantu abakkiriza Yesu Kristo bakikola tebannaweza myaka abiri mu gumu. Kirabibwa. Okunoonyereza kukiraga. Abantu ebitundu kinaana mu mukaaga ku buli kikumi abajja eri Kristo, bajja tebannaweza myaka abiri mu gumu. Ggwe, emyaka egyo bw'ogisukka, weeyongera okukakata oba okunywerera mu mbeera zo. Weewaawo, kisobokera, ddala. Bajja, ab'emyaka, ensanvu, kinaana, naye tekitera kubaawo. Okiraba?

45 Ky'onoobera okizimba okyali muto. Oteekawo ebiruubirirwa byo eby'ebyo by'oyagala okukola, ne ky'ogezaako okutuukako mu bulamu. N'okirowoozaako. Era nga bw'okirowoozaako, weewaawo, endowooza yo, ekintu ekyo kyanjulwa eri endowooza yo ekintu ekitamanyiddwa e—ekifuga endowooza yo. Bwe kituuka mu ndowooza yo, olwo n'okyogera, nti ogenda kukikola. Olwo ebiruubirirwa byo ne bikusindiikiriza okukikola.

46 Kati, maama ne taata, nga basuubira omuvubuka ono omuto oku…ebiruubirirwa bye okubeera eby'amaanyi; nga balina ne ssente ezimala okukituukiriza. Era, bateekwa n'okuba nga, baasabiranga o—omuvubuka ono o—okufuna omukisa

ogwo. Mukiraba, ba—baali bakoze buli kimu kyonna kye baali basobola okukola. Oba oli awo yalina embalaasi ennungi ezinyirira, nga—nga era oba oli awo abakazi bamwettanira nnyo.

47 Era ekibeera ku ludda lw'omusajja, kye kibeera ne ku ludda lw'omukazi, mu ngeri y'emu, mukiraba, kubanga twogera ku bulamu bwa bantu, emmeeme, bombiriri abasajja n'abakazi.

48 Era kati, mu bintu bino byonna omulenzi bye yalina, olaba, yatuuka "obulamu ne bumwanguyira," nga bwe tukiyita, n'atuuka okuba nga teyetaaga kweraliikirira kintu kyonna. Bazadde be ssente baazirina. Yalina . . . Yali . . . Yatuuka n'afuuka mufuzi. Bayibuli emwogerako wano, nga . . . nga omufuzi omuto, omufuzi omuto ate nga nnaggagga. Era tulaba e . . . Ku myaka emito, oba oli awo mu myaka egy'ekivubuka awo, yaakava mu ssomero, yaakatikkirwa, oba oli awo, wiiki nga ziizo, oba ekintu bwe kityo nga tannaba kutikkirwa, n'afuuka . . . Yali mufuzi, era nga alina byonna omutima bye guyaayaanira.

49 Naye nno omuvubuka ono teyali ka ricky akatambula n'omulembe. Yali mwana mulungi. Nzikiriza, Lukka bwe yamuwandiikako, manyanga, Makko, nzikiriza ye yakiwandiika nti, Yesu yamutunuulira ne yeewuunya, kubanga Yamwagala. Mukiraba? Waaliwo ekintu eky'enjawulo ku mwana ono. Omwana ono yali muntumulamu. Yali ava wa? Yali ava mu maka amalungi gye yali yayigirizibwa amateeka ga Katonda, era n'akakasa nti agakuuma. Era nga yakikola, okuviira ddala mu buto bwe.

50 Era omuvubuka ono yalina ekiruubirirwa; yali ayagala Bulamu Butaggwaawo. Yabuuza nti, "Omuyigiriza Omulungi, nnyinza kukola ki okusikira Obulamu Obutaggwaawo?"

51 Okiraba, mu byonna by'olina mu nsi, kyokka emmeeme eri munda mu ggwe esigala ekugamba nti waliwo ekintu kye weetaaga, ky'otannafuna. Obugagga nga bwo . . . Oba, tebulina kubeera bugagga buli kiseera. Buyinza okubeera, obuganzi, wayinza okubeerawo omuwala eyalungiwa, alina endabika ennungi gy'asobola okulowoozaako. Oba oli awo muganzi nnyo mu ssomero. Oba oli awo omulenzi asobola okufuna buli muwala yenna gw'ayagadde. Nga muli awulira ebibye birungi. Okwo si kuba bulungi. Ekyo kijja kuwotoka kiggweewo nga ekimuli mu nnimiro. Okiraba? Kijja kuggwaawo. Tekijja kumala bbanga ddene. Enjuba ejja kwekulungulayo emirundi nga giigyo, nga ekyo tekikyaliwo, naye olina emmeeme ey'okubeerawo okuyita mu Butaggwaawo.

52 Era kati omuvubuka ono ateekwa okuba yali muntu wa mpisa nnungi, kubanga yagenda eri Mukama waffe Yesu, nga akimanyi bulungi nti afukamidde ku maviivi ge. N'amubuuza nti, "Omuyigiriza Omulungi, nnyinza kukola ki okufuna Obulamu Obutaggwaawo?"

53 Ye n'amubuuza nti, "Ompitira ki omulungi," n'agamba nti, "nga okimanyi nti omulungi ali Omu yekka, era oyo ye Katonda?" Mukiraba? Omuvubuka kiki kye yali ategeeza mu kino? Yali ategeeza nti Yali Katonda. Okiraba? Yesu n'amugamba nti, "Amateeka ogamanyi bulungi. Gakwate."

N'amubuuza, n'agamba nti, "Mateeka ki, Omuyigiriza?"

54 Yesu n'amuddamu nti, "Amateeka agagamba nti 'ossangamu ekitiibwa kitaawo ne nnyoko,' n'amalala."

55 N'amugamba nti, "Ekyo nkikoze, okuviira ddala obuto bwange. Olaba, nkikoze."

56 Yesu n'amugamba nti, "Naye okyaweebuuseeko ekintu kimu. Genda, otunde by'olina, obigabire abaavu, ojje ongoberere."

57 Nga gwali mukisa gwa maanyi! Oba oli awo yandifuuse Peetero, Yakobo, oba Yokaana, oba omu ku bo. Mulaba, omwana ono yali yayigirizibwa era nga yakuzibwa bulungi, kaakati wano n'aleetebwa eri Kristo, amukozese mu busobozi bwonna bwe yalina mu ye, abukozese, oba oli awo nga bwe yali yasoma, ate nga muto, mugagga, wa ttuttumu, yali asobola okubunyisa Enjiri, wabula yagigaana bugaanyi. Eyo nga—eyo nga yali nsobi ya maanyi omuvubuka oyo gye yakola! Okiraba?

58 "Ongoberere." Kati, mulaba, yalina okubaako ne gw'agoberera. Kati, ku bibiri yalina okugoberera okusikirizibwa kw'abantu be yali akolagana nabo, n'okusikirizibwa kw'omuwala omuto, okusendasendebwa kw'ekibiina ky'abavubuka be yali akolagana nabo, be yasomanga nabo, oba okugoberera Yesu Kristo. Wadde yali muntumulamu ekyenkanidde awo, era yakimanya nti teyalina Bulamu Butaggwaawo.

Baana mmwe, ekyo kye mulina okulowoozaako. Mukiraba?

59 Kati mulabe omuvubuka oyo akawungeezi kano, kye yandibadde, ne ky'ali, ky'ali akawungeezi kano. Alina w'ali. Yali muntu. Alina w'ali. Alindiridde kusalirwa Musango. Alindiridde okusisinkana okusalirwa Omusango ku Lunaku luli, olw'okugaana omukisa gwe gumu nammwe ogubaweereddwa mmwe abaana, kyenkana mu mbeera y'emu yennyini; muli baana balungi, ba mpisa, mulina bakitammwe ne bannyammwe abalungi, ne bye mulina byonna, temulina na kukola okuggyako nga mwagadde. Mukiraba?

60 Naye waliwo ekirala ekigendera awamu n'ebyo. Waliwo ekigendera awamu n'ebyo. Ekigambo ekyo, akawungeezi kano, tekifa. Kikyali kusoomooza eri buli muvubuka omuto, na buli muwala omuto nti, "Ngoberera." Mukiraba?

61 Ebigambo tebifa. Buli lw'obaako ekintu kyonna ky'oyogera, kijjukirenga, oba okyogeredde mu mmotoka yo mu kyama, oba ku kituuti, oba okyogeredde mmanga wali mu kkoona nga oli

ne mukwano gwo omulenzi oba mukwano gwo omuwala, wonna w'obeera okyogeredde, tekifa. Ki—kirina okubeerawo lubeerera.

62 Bwe nnalaba omuwala oli gwe...ekiro kya luli mu kwolesebwa, omuwala omuto alabika obulungi, eyazannyanga ffirimu mu Hollywood, ne mmulaba nga afa, nga ayaziirana, agezaako okusaba obuyambi. Yafa kikutuko, Mukyala Monroe. Era kati waakayitawo emyaka ebiri, okuva lwe nnamulaba nga afa. Era waayitawo ennaku bbiri n'afa.

63 Naye ate, ekiro kya luli, nnawulira eddoboozi ly'omuwala oyo. Ntya? Abaana baali baŋŋamba nti, "Taata, bulijjo, ogenda ku Mugga ogwo gy'Otasobola Kukuba Nkyukira." Ne baŋŋamba nti, "Ekiro kya leero, waliwo ffirimu gye bagenda okulaga eyeekuusa ku ekyo." Baŋŋamba ekiro lwe yali egenda okulagibwa, nga wakyabulayo wiiki nga emu oba bbiri. Muli ne ŋŋamba nti, "Eyo nno, nnandyagadde okugiraba, kubanga mbaddeko ku mugga ogwo, emirundi nga ebiri oba esatu; ndowooza, emirundi nga etaano." Kale, nna—nnali njagala ngirabe.

64 Era Mukyala Marilyn Monroe ye yagizannya. Ate, nga ye muwala gwe nnalaba mu kwolesebwa. Nga ye wuuyo yennyini, mu firimu, n'ebikolwa byennyini, ekitundu kyennyini kye yazannya mu firimu y'*Omugga gy'Otasobola Kukuba Nkyukira*, mu kiseera kiri we yazannyira ffirimu eyo, emyaka nga kkumi n'etaano emabega. Yali ffirimu nkadde, oba oli awo emyaka nga abiri emabega. Mu kiseera kino waali waakayita emyaka ebiri kasookedde afa. Naye nga wuuno wano mulamu nate, nga akola buli kikolwa era nga ayogera buli kigambo. Mukiraba? Byonna bikyaliko ku lutambi nga bwe byali okutuusa nti birabibwa nga ebiriwo kati.

65 Si ekyo kyokka, naye buli kye twogera kiramu. Buli kigambo kye twogera tekisobola kufa. Mu kaseera kano kennyini mu kisenge kino mulimu ebigambo ebiyitamu, abantu ab'enjawulo bye boogera. Ttivi ebibaka. Osobola okwogera nga osinziira wano, ne bakuwulira wonna mu nsi, mu katikitiki ke kamu ako. Mmwe nga temunnaba na kubiwulira wano mu kisenge kino, bibeera byasaasaanye dda okwetooloola ensi yonna, okuyita mu mikutu gy'empuliziganya.

66 Na bwe kityo n'olutimbe lwa Katonda olunene lubibaka. Era buli ky'okola na buli kikolwa kyonna ky'okola, oteekwa okukisisinkana ku lunaku olw'Omusango. Okiraba? N'olwekyo, muvubuka, kirungi weekube mu kifuba, olowooze ku bintu bino, okiraba, kubanga oliddamu n'obisisinkana. Okiraba?

67 Leka twekkaanye omuvubuka ono omuto, omukisa gwe yafuna, kati naawe weeteeke mu kifo kye. Naawe omuwala, naawe kola kye kimu Becky weeteke mu kifo kya Marilyn, nga bwe wandibadde nga ggwe ali mu kifo ky'omuvubuka oli, nga ggwe awulira Eddoboozi eryo kubanga likyali ddamu.

68 Likyali ddamu. Likyatambula. Bannassaayaansi bagamba nti, “Mu myaka abiri okuva kati, bajja kuba basobola okukwata Eddoboozi Lye lyennyini ery’ebyo bye Yayogera, emyaka enkumi bbiri egiyise.” Likyali ddamu. Kiringa akayinja bwe kagwa mu nnyanja, ejjengo lye katondawo terikoma. Ligenda ku lubalama, mayiro nkumi na nkumi, ate bwe limala ne likomawo.

69 Eddoboozi bwe lyogerwa liti mu bbanga, terifa. Tewali kintu kyonna ky’olyogera ku lunaku lw’Omusango. Obujulizi bwonna bulibaawo. Eddoboozi lya Yesu Kristo liribaawo nga liyita omuvubuka omuto oyo nti, “Ngoberera,” naye nga aligaana, ku lutimbe wali, nga munakuwavu, olw’eby’obugagga ebingi bye yalina. Okiraba? Tuyinza n’obutaba . . . Tezirina kubeera ssente zokka. Bisobola okubeera ebintu ebirala. Mukiraba? Ekintu kyonna kye tutwala okuba eky’omuwendo ennyo okusinga okuyitibwa okwo, mukiraba, kitufuukira nga ssente. Kifuuka ekintu ekitwonoona.

70 Kati ka tumwekkaanye okumala akaseera. Bw’agaana kiki ekiddirira? Teyawuliriza Ddoboozi lya Kristo eryo. Yeeyongerayo bweyongezi na mikwano gye.

71 Kati ekyo, mmwe abaana, mwenna muli baana balungi, era kibakakatako okubeera n’emikwano, naye weegendereze ekika kya mukwano gwo gw’olina. Mukwano gwo oyo bw’aba agoberera Kristo, mukwano gwo oyo tambula naye. Naawe, goberera Kristo. Naye bw’aba tamugoberera, tokikola.

72 Leka tumwekkaanye. Tukizuula nti, osanga emikwano gye yagisigaza. N’afuuka na mufuzi wa maanyi. Mu kiseera kiri yali mufuzi. Oluvannyuma, tumulaba nga yagaggawala nnyo n’okutuusa nti ya—ya—yalina okuzimba amawanika amalala ag’okukuŋŋaanyizaamu ebintu bye. Ne yeegamba, nga amaze okukaddiwa, nga okweraliikirira kw’obulamu obw’ekivubuka n’ebintu kuweddewo, kyokka kye yakolanga, oba oli awo, kwali kwesanyusa bwesanyusa.

73 Omusajja omukadde oba omukazi omukadde, nga nze, nga mukyala wange, nga bannyammwe ne bakitammwe, tewali kintu kiri awo kye babeera bakyayinza kulowoozaako. Tebasobola, babeera tebakyettanira kugenda kukyakalako na—na kwetala kudda eno n’eri mu nguudo, omanyi, nga—nga abavubuka bwe bandyagadde okukola, n’abawala abato. Okubaako ne gw’ayogereza, n’okwebuuza ani agenda okuba mukyala wange oba omwami wo, oba, mukiraba, ebyo babeera tebakyabirowoozaako. Babeera, babeera baazaala dda abaana baabwe, nga baatebenkera. Nammwe mwenna bwe mutyo bwe mugenda okubeera, enkya, bwe waba waliyo olw’enkya. Mukiraba?

74 Era mulaba omuvubuka ono, kati, oba oli awo nga alina . . . Oba oli awo n’okuwasa teyawasa. Naye, wabula, yali mufuzi wa maanyi. Era yatuulanga ku . . .

75 Era nga bwe kiri mu Yerusaalemi, okutuusa, leero, baliira waggulu ku kasolya ka nnyumba, mu kaseera bwe kati, nga obudde buwewedde, wabweru mu kaseera ak'akawungeezi.

Era tulaba n'omuntu omulala ayogerwako wamu naye: omwavu.

76 Kati omusajja, eyali yayigirizibwa o—okussa ekitiibwa mu muliraanwa, n'okukolera abalala nga bw'oyagala bakukolere, mulaba, bwe yagaana okuyitibwa kwa Kristo, yakomekkereza. . . Muli kirabika nga, omuvubuka eyali yakuzibwa mu maka agafaananako bwe gatyo, ekyo ekyali tekisobola kumuvaamu, naye kyamuvaamu. Kyamuvaamu.

77 Era waaliwo omusajja eyagalamizibwanga awo ku mulyango, erinnya lye Lazaalo, nga amusabiriza eky'okulya, naye nga buteerere. Era yalyanga bukunkumuka obwayerebwanga okuva ku mmeeza y'omugagga, ate nga si kugamba nti bwereddwa kubuwa mwavu ono, wabula nga bwa mbwa. Nga yenna ajjudde amabwa. Naye omusajja omugagga yali takyabalirwa mu bantu ba bulijjo, mu kiseera ekyo, nga takyalumirirwa. Omutima gwe gwaguba, olw'okugaana okuyitibwa kwa Kristo.

78 Kati oba oli awo lumu akawungeezi, ku mulundi guno, baali bakoonaganya magiraasi nga bwe bawoomerwa omwenge ogusingirayo ddala okuwooma, nga yeetooloddwa, abakazi ababalagavu, abeetonyetonye, n'ebintu eby'engeri eyo, na buli kimu kyonna omutima gwe kye gwagala, nga bwe bawanika amagiraasi n'okugakoonaganya. Nga omwavu ali wali ku mulyango.

79 Buba tebunnasasaana, amakya agaddako, yali mu ggeyeena, nga alaajana akoowoola Lazaalo okujja atonnyeze otuzzi ku lulimi lwe. Nga ebintu bikyuse.

80 Kati mwetegereze, bwe yagamba nti, "Kitange Ibulayimu," kati, yali akyakijjukira nti Ibulayimu ye kitaawe w'Abayudaaya. Yagamba nti, "Kitange Ibulayimu, tuma omwavu oyo Lazaalo ajje wansi eno n'otuzzi otutonotono ku ngalo ze, atonyeze ku lulimi lwange. Omuliro guno gunzisa obulumi."

81 N'agamba. . . Ibulayimu n'amugamba nti, "Ekyo, ekyo ssisobola kukikola," mu bigambo bingi nnyo. "Naye nga oggyeeko ebyo byonna, olaba, ggwe omukisa gwo wagulina mu bulamu."

82 Ddi lwe yagulina? Yesu we yamugambira nti, "Ngoberera." Naye n'agugaana. Yakwatamu kkubo mw'anaakolera ssente. Era ekyo tekiriimu kabi konna, temuliimu kabi mu kukola ssente, wabula goberera Yesu nga bw'ozikola. Mukiraba? Naye yakwatamu kkubo liri eddala, n'agenda n'ekibiina.

83 Era olaba nti, yagamba, Ibulayimu yagamba nti, "Ate nga oggyeeko ebyo byonna, waliwo olukonko olwateekebwawo

wakati wo naye, omuntu yenna lw'atasomokanga, era lw'atalisomoka. Abali eyo tebasobola kujja eno, na bano abali eno tebasobola kujja eyo. Lwateekebwawo. Tewali muntu yenna yali alusomose era tewaliba alirusomoka."

84 Kati mumuwulire. Kati ayagala kufuuka mubuulizi wa njiri. Okuyitibwa kuli Yesu kwe yali amuwadde, o—okumugoberera, kwali, n'okufuuka omuwanguzi w'emmeeme, nga omuvubuka omuto, nate kwakomawo gy'ali. Yajjukira okuyitibwa kuli, n'ajjukira nti yalina bagande be bataano, ku nsi, era nga tabaagaliza kujja mu kifo ekyo.

85 Yagamba nti, "Kale nno, tuma Lazaalo, addeyo alabule baganda bange baleme kujja eno." Amakulu nti, "Bakkirize okuyitibwa okwo okugamba nti, 'Ngoberera.'" Mukiraba?

Naye n'amugamba nti, "Nabo, era tebajja kukkiriza."

86 N'agamba nti, "Weewaawo, bajja kukkiriza ssinga wabaawo azuukira okuva mu bafu, nga Lazaalo, n'addayo n'abalabula."

87 Mulaba, ekyo kiraga nti, bwe tumala okufa, osigala okyategeera. Yajjukira. Ibulayimu yamugamba nti, "Mutabani, jjukira, mu nnaku zo." Okiraba? Osigala okyajjukira. Teweerabira. Osigala okyajjukira.

88 Kati teebereza ebintu omusajja oyo bye yajjukira, naye nga ali mu kifo kye kimu, yajjukira omukisa gwe yafuna ogw'okuwulira Yesu nga amugamba nti, "Ngoberera." Naye yagoberera muntu mukyamu, kibiina kikyamu. Yeegatta ku kibiina ekikyamu, n'agenda mu kifo ekikyamu, n'akomekkerereza mu Butaggwaawo obukyamu; w'alisaanyirizibwawo ddala ku Lunaku luli, okwawukanyizibwa ne Katonda emirembe gyonna.

89 Ne Yesu era yayogera ekigambo ekigumu ennyo nti, "'Newankubadde omu ku bafu azuukira n'addayo, era talibakkirizisa. Kubanga, balina amateeka ga Musa, era bwe baba tebasobola kuwulira ago, kitegeeza era tebajja kuwulira ne bwe wanaabaawo azuukira okuva mu bafu. Era talibakkirizisa.'"

90 Lwaki? Lwaki? Amateeka galina we googerera ku kintu ekifaananako bwe kityo? Mazima ddala. "Ky'oyagala bakukolere naawe ky'oba okolera abalala." Kyokka nga yakula agondera amateeka. Naye yaleka omwavu n'afiira ku mulyango gwe. Mukiraba? Ya—yakula agondera ebiragiro bya Katonda, naye ate n'alemwa okulaba Obulamu obwo obw'ekitalo Obutaggwaawo.

91 Abaana, mwenna, buli omu ku mmwe, mulinga baana bange. Mwenna, buli omu ku mmwe, mulinga abaana bange ab'obulenzi n'ab'obuwala. Mu ngeri emu, muli baana bange, ku ludda olw'omwoyo. Bwe kiri. Emmeeme zammwe Mukama Katonda ya—yazinkwasa okuzirabirira, kubanga mujja, ne mumpuliriza.

Munzikiriza. Mukiraba? Era mu ngeri emu ey'ekigambo, muli baana bange ab'obulenzi n'ab'obuwala. Bwe kiri.

92 Bulijjo mujjukirenga nti, okukuuma ebiragiro bya Katonda kintu kikulu nnyo. Okukuzibwa mu maka amalungi busika okuva ewa Katonda. N'okubeera abaana abalungi ab'empisa ennungi nga ze mulina, nakyo kirungi. Kirungi nnyo, okufuna obuyigirize. Kirungi nnyo n'okubeera mu nsi eno ey'eddembe. Tulina ebintu bingi nnyo eby'okwebaliza.

93 Naye waliwo ekintu kimu kyokka ky'otasikira busikizi. Ekyo Kyo oteekwa kukikkiriza bukkiriza. Ekyo bwe Bulamu Obutaggwaawo. Era ekyo okikola mu ngeri emu yokka nga ogoberera Yesu, nga ofuna obumanyirivu obw'okuzaalibwa okw'okubiri. Ekyo tokigalabanja.

94 Waliwo akagero lumu ke nnawulira, akaali kakwata ku musajja eyali, o, yali mwavu. Era ya—yayagalanga nnyo oku . . . Kagero akaayiiyizibwa obuyiiyizibwa, kali mu ngeri bw'etyo. Naye, kankwata omubabiro. Kagamba lumu yalonda ekimuli. Era ekimuli ekyo kyalimu amaanyi g'obufuusa, kati ekimuli ne kimwanukula, ne kimugamba nti, "Obulamu bwo bwonna obadde mwavu." Ne kigamba nti, "Kaakano saba kyonna ky'oyagala, nakyo kinaakuweebwa."

95 N'ayogera n'agamba nti, "Njagala olusozi luli emitala lweggule, nduyingiremu nsangemu zaabu mu lusozi olwo."

96 "Naye," ekimuli ne kigamba nti, "kijja kukwetaagisa okuntwala yonna gy'ogenda. Okiraba? Kijja kukwetaagisa okuntwala. Kibeere nti, we nnaabeera wonna, olwo ojja kuba osobola okusaba kyonna ky'oyagala."

97 Omusajja n'atambula n'agenda ku lusozi, olusozi ne lweggula, n'ayingira munda. Amasa nga gonna gajjudde zaabu ne alimansi, nga akagero k'abato bwe kagamba. Ekimuli n'akissa ku—ku mmeeza, manyanga, ku jjinja. N'adduka n'asitulawo ejjinja ery'omuwendo eddene, n'agamba nti, "Lino nteekwa okugenda ndirage mikwano gyange. Kati ndi musajja mugagga. Nnina buli kimu kati. Lino nteekwa okulibalaga."

98 Kati ekimuli ne kyogera ne kimugamba nti, "Naye," ne kigamba nti, "ekintu ekikulu okyerabidde."

99 N'adduka n'akomawo n'abaako ekirala ky'asitulawo, n'agamba nti, "Naye, ndowooza ntwaleyo—ntwaleyo ekitundu kya zaabu. Ntwaleyo n'ekitundu kya ffeeza." Kati n'agamba nti, "Ŋŋenda—ŋŋenda kufuluma mangu, ŋŋende ntegeeze abantu nga bwendi omugagga, mbabuulire ne bye nfunye."

100 N'atuuka ku luggi, ekimuli ne kimugamba nti, "Naye ekintu ekikulu okyerabidde."

101 N'adduka n'akomawo nate era. N'agamba nti, "Munda muno mulimu ebintu ebya buli kika." Bw'atyo, n'alondawo ejjinja. N'agamba nti, "Ŋŋenda, kugenda n'ejjinja lino ndage abantu

ekika ky'amayinja olusozi luno mwe lwakolebwa, kinnyambe okuzuula ekkubo erinkomyawo we luli." Mukiraba?

102 N'ayolekera omulyango, ekimuli ne kiddamu ne kimugamba, o . . . omulundi ogusembayo nti, "Ekintu ekikulu okyerabidde."

"Ah," n'agamba nti, "ah, sirikako."

103 Mukiraba, yali takyayagala kukiwuliriza, "Ekintu ekikulu yakyerabira," n'adduka n'afulumayo. Era bwe yafulumayo, oluggi ne lweggala emabega we, nga ekimuli kisigadde munda. Ekimuli kye kyali ekintu ekikulu. Mukiraba? Ekimuli kye kyali ekintu ekikulu.

104 Edda ennyo, nga nkyali mwana muto, nga mwenna bwe muli, wano, engulu eri ku ddundiro ly'ente, ekyengulu wa Phoenix. Nnina emboozi gye nnali nsoma, ekwata ku by'obugagga eby'omu ttaka, olupapula olwali lukwata ku musajja anoonyereza ku by'obugagga eby'omu ttaka. Mu kiseera ekyo, wano tewaaliwo nguudo mu nnaku ezo, bwali bukubo bwa bigere. Mumanyi nga, na kati bakyanoonyereza ku by'obugagga eby'omu ttaka mu kifo kino.

105 Naye omusajja ono eyali anoonyereza ku by'obugagga mu kujja, yali afunye obutitimbe bw'ensimbi, era nga asimye entuumu n'entuumu za zaabu. Bwe yajja, alina akayumba ke yazuula mwe yali abeera. Yalina n'embwa gye yabeeranga nayo, era, e—embwa eyo, yagisibanga wabweru. Kati ekiro ekyo, waaliwo omuzigu eyali amulinnya akagere, okumubbako zaabu ono. Yali amusimye okuva mu birombe by'Abasipaaniya eby'edda, era nga azze naye. Kati embwa n'etandika okuboggola.

106 Omusajja n'atayagala mbwa eyo kumuteganya. N'agigamba nti, "Sirika." N'agamba nti, "Enkya, zaabu ono ŋŋenda kumutwala, mu—mu kibuga." Era ŋŋenda . . . Kino kye kyali eky'okuyiga mu mboozi eno. "Nja kumutwala bamupime, era nja kuba musajja mugagga. Era nja kugula emmotoka ez'ebbeeyi. Era nja kwefunira abakazi aba buli kika nkole n'ebikujjuko eby'amaanyi ebya buli ngeri. Era nja kuba musajja mugagga ddala, kubanga kye mbadde njagala nkifunye. Zaabu mmulina wano, awererera ddala." N'agamba nti, "Nja ku . . . "

107 Kati aba agezaako okwebaka, embwa n'egenda mu maaso nga eboggola, kubanga embwa yali yalabye dda omuzigu nga ajja, yebbirira, alinze musajja ono kwebaka.

108 Omusajja n'agolokoka nate era, n'addamu n'aboggolera embwa, n'agigamba nti, "Sirika." Embwa bambi n'ekaabamu awo n'egezaako okulabula mukama waayo akabi akaali kamwolekedde—kamwolekedde. Era bwe ya . . .

109 Omulundi ogwaddako, embwa bwe yagezaako okuddamu okuboggola, omusajja ono yalina emmundu kisasi kimu. Yali yeetamiddwa okumuteganya, kale yagolokoka bugolokosi embwa n'agikuba essasi. Era omusajja oyo, omuzigu oyo

yamutta ekiro ekyo. Ebintu byonna bye yali aluubirira okukola tebyamuyamba n'akatono. Lwaki? Kubanga yasirisa eddoboozi eryali limulabula.

110 Tewali muntu yenna ayinza kugezaako kukola kintu, mmwe abaana, temuliyinza kubaako kintu kyonna kikyamu kye mukola, oluvannyuma lw'okukuzibwa mu ngeri gye mukuziddwamu, ne mutabaako kintu kyonna kye muwulira nga kibagamba obutakikola. Kati, togezangako okusirisa eddoboozi eryo erikulabula.

111 Era bulijjo mujjukirenga, okukkiriza Eddoboozi eryo eribagamba nti, "Ngoberera," era lubeerera mujja kumalako bulungi. Nzikiriza mujja kukikola. Mbalinamu obwesige. Naye bulijjo mujjukirenga nti Yesu, Eddoboozi eryo, likyali ddamu mu nsi akawungeezi kano.

112 Mu ngeri y'emu, nga buli ddoboozi na buli kigambo kye twali twogedde bwe bikyali ebiramu, eddoboozi eryo bwe lifuluma ne ligenda ku jjengo ly'empewo eryo erya esa. E... Olaba, wano eno waliwo ekyuma ekikasuka eddoboozi eryo. Ggwe kyuma ekikasuka eddoboozi. Kati ate kyetaagisa omukutu ogw'okubaka eddoboozi eryo.

113 Kati Yesu ye yali Ekyuma ekikasuka eddoboozi ly'Ekigambo kya Katonda, kubanga Ye yali o—obusatu bwa Katonda nga bulabisibwa mu Muntu omu. Yali Katonda ddala era Muntu ddala.

114 Era obusatu bwa Katonda, obusatu bw'enneeyoleka za Katonda, obwo nga ye Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, bwonna bwalabisibwa mu Muntu oyo omu, Yesu Kristo. N'olw'ekyo, awo, Ye yali Kigambo.

115 Era Ye yali Ekyuma ekikasuka eddoboozi ekyagamba nti, "Oyo awulira Ebigambo Byange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu Obutaggwaawo." Mukiraba? "Mazima mbagamba nti, oyo awulira Ebigambo Byange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu Obutaggwaawo." Kati, ekyo Ekigambo kyava mu Kyuma ekikasuka eddoboozi. Yagamba, lumu nti, "Mazima nkugamba nti, bw'olyogera eri olusozi luno nti, 'Sigulibwa,' n'otabuusabuusa mu mutima gwo, naye n'okkiriza nti ky'oyogedde kijja kutuukirira, ojja kufuna ky'oyogedde."

116 Kati, ggwe ssinga osobola okufuuka omukutu ogulibaka Eryo, okuyita mu nkola eri munda mu ggwe, okuyita mu kukkiriza, kujja kukusitula kukuyingize mu nkola ya Katonda, eri Okuzaalibwa okujja, ozaalibwe ogw'okubiri. Olwo onoobeeranga oyungiddwaako, okusobola okuwuliranga Eddoboozi eryo erinaakulabulanga nga waliwo akabi akajja. Nga ebintu bigootaanye, tebitambula bulungi, Lijja kukulabulanga. Era okuva awo, lumu mu kifo ky'okubeera nga omuvubuka oyo omugagga omuto gwe twogerako; obeere

musajja nga omutume Peetero, oba Pawulo, oba omuntu yenna eyaleeta emmeeme eri Yesu Kristo. Mukole ekyo, abaana abato.

Tusobola okusaba?

117 Mukama waffe Yesu! Bano be bavubuka, abasajja n'abakazi ab'enkya, bwe wanaabaawo olw'enkya. Tuteekwa okubatendeka, ayi Mukama. Tuwulira omugugu ogwo, okubatendeka nga gy'oli nti wanaabaawo olw'enkya. Bwe lutaabeewo, kitegeeza leero lwe lunaku olwo.

118 Naye kaakano, Kitaffe, tumanyi nga tewali n'omu akkirizibwa mu maaso Go. Tewali muntu ayinza kwenyumiriza. Tewali buyigirize, ebintu bino ka bibeere birungi bitya, tewali bikolwa birungi, tewali kibiina kya ddiini, tewali kusoma kwa ndowooza na nneeyisa za buntu, tewali kintu kyonna kisobola kukakasa Katonda ky'ali okuggyako Omwoyo Omutukuvu. Ye Kikozesebwa, Katonda Mwene, mu nkula ey'Obulamu Obutaggwaawo, asobola okujja gye tuli nga abantu sekinnoomu. Era kino tukikwebaliza.

119 Ddala kyakakasibwa Peetero bwe yayatula. Yesu n'amugamba nti, "Omubiri n'omusaayi si bye bikikubikkulidde kino. Tewakiyiga kuva mu ttendekero lya bya ddiini. Tolina ssomero lyonna gye wakiyiga." Kintu kya muntu sekinnoomu, kintu buli muntu ky'alina okufuna. Wagamba nti, "Ku lwazi luno kwe Ndizimba Ekkanisa Yange, n'emiryango gy'emagombe tegirisobola kugiwangula." Ekyo tukyebaliza, Mukama.

120 Eddoboozi eryo likyali ddamu n'akawungeezi kano. Era wakyaliwo ebifo, ebifo ebyesudde, ebifo awawulirizibwa, emikutu egyaniriza, egy'okukkiriza, egisobola okulikkiriza. Tusaba nti buli omu ku baana bano balisembeze, ayi Mukama, mu mitima gyabwe. Era bajjukirenga nti, ekikulu si ky'ekyo kye bakola okubeera abalungi, wabula ba. . . Katonda tatusalira musango kusinziira ku ekyo kye tukola, wabula kusinziira ku ekyo kye tukkirizza. Tulokolebwa lwa kukkiriza kwaffe, so si lwa bikolwa byaffe. N'olwekyo tusaba, ayi Kitaffe ow'omu Ggulu, beetabe mu mulimu guno kaakano, era balabe era bawulire okuyitibwa okwo okw'Obutagwaawo okugamba nti, "Jangu, ongoberere."

121 Nsaba buli omu ku bo, ayi Mukama, akyuke okuva ku bintu by'ensi byonna, eby'obulamu buno obuggwaawo, obutaliimu nsa. Nga bwe bali wano akawungeezi kano, n'enviiri zaabwe eza langi eya zaabu, n'abamu nga enviiri zaabwe nzirugavu, n'amaaso ag'emmunye enzirugavu, n'emmunye eza bbululu, nga baggumidde mu ngeri esingirayo ddala ey'ekyo kye baliba.

122 Era nga omuwandiisi ow'ekitalo bwe yagamba nti, "Ojjukiranga Omutonzi wo mu biro eby'obuvubuka bwo, nga ennaku embi tezinnajja. W'otolizisanyukiramu n'akamu." Nga, ayi Mukama waffe Yesu, bwe Wagamba Peetero nti, "Bwe wali omuvubuka, wasitukanga n'ogendanga gy'oyagala yonna.

Naye bw'okaddiwa, muntu mulala y'alikusitula nga akutwala gy'otayagala kugenda." Leka bajjukire nti, "Kaakano lwe lunaku. Kino kye kiseera." Kituwe, ayi Kitaffe.

123 Buli omu ku bo mmubanjaayo, ku lw'omwana wange, ali wano akawungeezi kano, na buli mwana yenna ali wano. Mpulira nga okitadde mu mikono gyange, okubalabirira. Mbabanjaayo bonna, okuva eri Ssetaani n'okuva eri okufa, okubayingiza mu Bulamu mu Yesu Kristo. Amiina.

124 Katonda abawe omukisa, baana mmwe. Kibadde kirungi nnyo okwogerako gye muli ebigambo ebitonotono. Kaakano leka nzireyo, Billy. Baana abato abalungi ddala, mwebale. Ow'oluganda Fred, Mukama akuwe omukisa. Mukama akuwe omukisa, mwannyinaze.

63-0601 Jangu, Ongoberere
mu House Meeting
e Tucson, Arizona Amerika

LUGANDA

©2022 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org